Bayibuli y'abaana abato

Ekwanjulira

Noowa
n'omujjuzo
gw'amazzi

Yawandiikiddwa: Edward Hughes
Ebifaananyi bya: Byron Unger; Lazarus
Yakozesebwa: M. Maillot; Tammy S.
Yavvuunulwa:
Rev. Fr. Dr. Francis Xavier Mbaziira
Yafulumizibwa: Bible for Children
www.M1914.org

BFC
PO Box 3
Winnipeg, MB R3C 2G1
Canada

©2012 Bible for Children, Inc.
Olukusa: Okkirizibwa okukoppa oba okufulumya bino,
Ebinyumizibwa kasita bitaba bya kutunda.

Noowa yali muntu asinza Katonda. Abalala bonna baakyawa Katonda era baamujeemera. Lwali lumu Katonda n'agamba Noowa ekintu ekitiisa. Katonda yabuulira Noowa nti: "Nja kuzikiriza ensi eno ennyonoonefu. Ab'omu maka go bokka be banaatalizibwa."



Katonda n'alabula Noowa nti omujjuzo gw'amazzi gujja kujja gubikke ensi. Katonda n'awa Noowa ekiragiro nti "Zimba mu mbaawo ekyombo ekisobola okugyamu ab'omu maka go n'ensolo nnyingi."

Katonda n'abuulira Noowa byonna by'ateekwa okukola. Olwo Noowa ne yeemalira ku mulimu.



Abantu oboolyawo basekanga busesi Noowa ng'abannyonnyola ensonga emuzimbisa ekyombo. Noowa n'ayongera okuzimba. Era n'ayongera okubabuulira ku Katonda. Tewaaba bamuwuliriza.

Noowa yalina okukkiriza kunene. Yakkiriza Katonda neewakubadde tewaali nkuba yali etonnye.
Kyaddaaki ekyombo ne kituuka okutikkibwamu ebyetaagibwa okukiteekamu.

Olwo ensolo ne zijja. Katonda n'aleeta musanvu musanvu ku z'ebika ebimu, ate bbiri bbiri ku z'ebika ebirala. Ebinyonyi ebinene n'obutono, ebisolo, omuli obutono n'ebinene, ne biyingira

mu kyombo.

Oboolyawo abantu bayiira Noowa
ebivumo ng'atikka ebisolo.
Tebaalekera awo kukola
bibi binyiiza Katonda.
Era tebaasaba
kuyingira mu
kyombo.


Kyaddaaki ebisolo n'ebinyonyi byonna ne bikkalira mu kyombo. Katonda n'ayita Noowa nti: "Yingira mu kyombo ekyo ggwe n'abomu maka go."



Noowa ne mukazi we ne batabani be abasatu ko ne bakazi baabwe ne bayingira mu kyombo. Olwo Katonda n'aggalawo oluggi.

Awo
enkuba n'ejja,
n'efukumuka nnyo
ku nsi okumala ennaku
n'ebiro amakumi ana.

Omujjuzo gw'amazzi ne gubikka ebibuga n'ebyalo. Enkuba bwe yakya, n'ensozi empanvu zaali zibulidde mu mazzi. Ebiramu byonna ebissa omukka ne bifa.

Amazzi bwe gaasituka, ekyombo ne kiseeyeeya kungulu. Munda mwandiba nga mwalimu enzikiza, oboolyawo kyagendanga kyekoona, mpozzi n'okuba eky'entiisa. naye ekyombo ekyo kyawonya Noowa omujjuzo gw'amazzi.


Omujjuzo gw'amazzi nga gumaze emyezi etaano, Katonda n'asindika embuyaga ekaza. Ekyombo ne kigende mpolampola, ne kyewogoma mu nsozi z'e Ararati. Noowa n'asigala mu kyombo ennaku endala amakumi ana, amazzi nga bwe gakendeera.



Noowa n'atuma Namunngoona n'ejjiba ng'abiyisa mu ddirisa ly'ekyombo. Ejjiba bwe lyabulwa awakalu we lirinnya ne likomawo mu kyombo.



Bwe waayitawo wiiki emu Noowa n'addamu okugezaako. Ejjiba ne likomawo n'akakoola akabisi ak'omuti gwa Uliva mu kamwa kaalyo. Nga wayiseewo ennaku endala musanvu Noowa n'amanya ng'amazzi gakalidde ku nsi, kubanga ejjiba teryakomawo gy'ali.

Katonda n'ategeeza Noowa nti obudde butuuse okuva mu kyombo. Noowa n'ab'omu maka ge ne baggya ebisolo mu kyombo.


Noowa yeebaze nnyo Katonda. N'azimba alutaari n'asinza Katonda eyamuwonya omujjuzo gw'amazzi, ye awamu n'ab'omu maka ge.

Katonda
n'asuubiza Noowa
ekyewuunyisa
nti takyaddamu
kusindika mujjuzo
gwa mazzi kubonereza
bantu lwa
bibi byabwe.
Katonda n'awa
akabonero
akanajjukizanga
ky'asuubizza.
Akabonero ako ye
musoke ow'oku ggulu.


Noowa
n'ab'omu
maka ge ne
batandika obulamu
obuggya ng'omujjuzo
gw'amazzi guweddewo.


Nga
wayise ebbanga,
bazzukulu be ne baddamu
okuzzaawo abantu mu nsi yonna.
Ab'amawanga gonna mu nsi
yonna baava mu Noowa
n'abaana
be.

Noowa n'omujjuzo gw'amazzi

Ekinyumizibwa okuva mu kigambo kya Katonda, Bayibuli

Bisangibwa mu

Entandikwa 6-10

"Ekigambo kyo we kiyingira. Kireetawo ekitangaala." Zabbuli 119:130

Enkomerero

Kino ekinyumizibwa mu Bayibuli kitubuulira ku Katonda waffe eyeewuunyisa era ayagala tumumanye.

Katonda amanyi nga twakola ebintu ebibi, by'ayita ekibi. Ekibonerezo ky'ekibi kufa. Naye Katonda akwagala nnyo, kyeyava atuma Omwana we, Yesu, okufiira ku musaalaba, abonerebezebwe olw'ebibi byo. Olwo Yesu n'akomawo mu bulamu, era n'addayo ewuwe mu Ggulu. Bw'okkiriza Yesu, n'omusaba akusonyiwe ebibi byo, ajja kubikola. Ajja kujja abeere mu ggwe, era naawe obeerenga naye olubeerera.

Bw'okkiriza nti kino kyamazima, gamba Katonda nti: "Yesu Omwagalwa, nzikiriza ng'oli Katonda, era nga wafuuka omuntu, olyoke ofe olw'ebibi byange, era kaakano waddawo okuba omulamu. Nkusaba ojje mu bulamu bwange, onsonyiwe ebibi byange, nsobole okuba n'obulamu obuggya, era lukye lumu, mbeerenga naawe olubeerera. Nnyamba okuba omuwulize gy'oli, n'okuba omulamu ku lulwo nga omwana wo. Amiina.

Somanga Bayibuli onyumyenga ne Katonda buli lunaku.
Yowanne 3:16